# She Cranes ecamudde abayizi




Omulabirizi w'e Namirembe Rev. Moses Banja (wakati) n'aba She Cranes nga bali n'abayizi wamu n'abasomesa ba Gayaza Junior e Gayaza ku Lwomukaaga.

Bya SILVANO KIBUUKA

GAYAZA Junior School lyabugumye ku Lwomukaaga, ttiimu y'eggwanga ey'okubaka (She Cranes) bwe yakyaddeyo n'ezannyako n'abayizi baalyo n'okubakubiriza okunyiikirira ebitone byabwe mu mizannyo.

Obugenyi buno bwacamudde n'abazadde wamu ne bannaddiini abaakuliddwa Omulabirizi w'e Namirembe, Rt. Rev. Moses Banja. Okukyala kwategekeddwa ekibiina kya Future Stars ekirafuubana okuzuula ttalanta mu mizannyo, okuzimba abazirina n'okuzibunyisa mu ggwanga lyonna ng'amakanda kigasimbye Gayaza Junior School.

Omumyuka w'omutendesi wa She Cranes ate nga ambasada wa Future Stars, Ruth Meeme yagambye nti okukyalira essomero ly'abawala (Gayaza Juniro) ku lunaku lwalyo olw'emizannyo baayagadde bamusaayimuto babeegombe n'oluvannyuma batumbule ebitone byabwe.

"Abaana bwe balaba ku bassita b'eggwanga bafuna obwagazi bw'omuzannyo ekyongera ku bungi bw'abaguzannya. Nze okubaka nakutandikira mu P4 naye nzannyidde ttiimu y'eggwanga ate kati ndi mutendesi," Meeme bwe yategeezezza.

"Bukya tutandika pulojekiti eno, nzudde ttalanta nnyingi mu Gayaza Junior era ndi mugumu nti She Cranes erina abasika ab'omu maaso," bwe yagasseeko n'asiima hedimansita Sarah Kizito okwagala emizannyo. Kizito yennyamidde olw'abazadde abakyawa emizannyo, abaagala abaana babeere mu kusoma kwokka.

Abaavugayizza mu volleyball, okubaka, emisinde, chess, okwesiba ggomesi, woodball, okusika omuguwa, mu dduyiro za paleedi n'emirala. Ennyumba Angola yeddizza ekikopo n'eddirirwa Zambia, Algeria ate Ghana n'ekoobera.